# »Okukola ebigimusa mu bikoola ebya kiragala«

## »Okukola ebigimusa okuva mubikoola ebya kiragala«

Kulw’okubeera ekimu kubintu ebisinga obunene munsi yonna, obulimi n’obulunzi busumbuyibwanyo  okukendeera kw’obugimu era nga kino kiviirako amakungula amabi era amatono. Okukola ebigimusa mukiragala kitw’aliramu okuteeka ebikoola ebya kiragala, obutabi obutono, ebisaka n’ebisiko mu ttaka. Ono tekinologiya akozesebwa okw’ongera kunfaanana wamu n’obugimu bwe ttaka ekiyamba okukuuma ettaka nga gimu.

## Okukola ebigimusa

Mu tekinologiya  w’okukola ebigimusa okuva mu kiragala, ebikoola ebya kiragala n’ebimera by’ebikozesebwa ebisinga obukulu okukyuusa ekikula kye ttaka era omugaso ogusinga obukulu kwekwongera ku bugimu bwe ttaka, okyongera ku kirungo kya nitrogen wamu n’ebirungo ebilala ebyongera ku makungula. Okukola ebigimusa okuva mu kiragala kintu ekikolebwa n’emikono, kisoboka ate nga kikekereza mukwongera amakungula ku ttaka eribade likozesebwa oba eryo eritakozesebwa.
Mukweyongerayo okusobola okukola ebigimusa okuva mu kiragala kyesigamizibwa mbeera yabudde mu bulimi.
Ebika by’okukola ebigimusa okuva mu kiragala mulimu ekiyitibwa situ n’okukozesa ebikoola ebya kiragala. Mu kika ekiyitibwa situ, ebimera birimibwa ku ttaka, nebitemebwa mukiseera kyabyo eky’okusa ebimuli era nebiziikibwa mu ttaka ly’erimu nga ebigimusa eby’obutonde ebivunda okufuuka ebigimusa kyokka  ate ebikoola ebya kiragala, ettaka litabulwa n’ebikoola ebya kiragala wamu n’obutabi bw’ebimera. Ebikunganyizidwa birekebwa okumala ennaku 2 okuwotoka era oluvanyuma nebikunganyizibwa, nebituumibwa era nebibikibwa nendagala okusobola okuvundamu. Bino bigattibwa mu taaka era enkola eno edibwaamu okutuusa nga ebigimusa ebyetaagibwa bifunidwa.

## Emigaso gy’enkola eno

Ebigimusa ebikoleddwa mu byakiragala byongera ku bugimu bwe ttaka, ekikula kye ttaka era n’okwongera ku biriisa ebyongera kubusobozi bwe ttaka okuyisa embewo wamu n’obusobozi bw’obutabeera na biwuka wamu ne nddwadde. Ebigimusa ebikoleddwa mu kiragala biziyiza emiddo era nebyongera ku kukula kw’obuwuka obusirikitu obw’omugaso.

## Ebibi ebiri munkola eno

Mukufaananaganya ku nkola endala ez’okugimusa ettaka, okukola ebigimusa okuva mu kiragala kitwaala obudde buwanvu era sibirungi eri ebirime eby’etaaga enkuba enyingi.
Ekisembayo, omuwendo gw’okukituukiriza munene bw’otunuulira ku nkola enddala.